# KCCA esenze akatale k'abalema ku Paaka enkadde

Bya HANNINGTON NKALUBO



Ekifo ekyasendeddwa. Kozesa app ya ViDE olabe vidiyo.

KCCA esenze ekibangirizi ekyabadde kyakazibwako akatale k'abalema, abasuubuzi ababadde bakolerawo ne basigala nga bagyekokkola.

. Mu kifo babadde bafumbiramu emmere etundibwa mu ppaaka ya ttakisi enkadde, abalema babadde batundiramu ebintu byabwe n'okukamulirawo obutunda. Ekifo kyasendeddwa ku Lwamukaaga, KCCA bwe yayungudde ebibinja by'abaserikale nga bakulembeddwa ttulakita ne bakiseeteeza kyonna.

Omwogezi wa KCCA, Daniel Nuwe Abine yagambye nti, ekifo kibadde kya bulabe eri mmotoka ezisimba mu ppaaka enkadde.

"Babadde bafumbirawo emmere nga bakozesa omuliro kyokka nga mmotoka za takisi nazo we zisimba eky'obulabe," Nuwe Abiine bwe yagambye.

Kyokka abalema ababadde baddukanya akatale kano bagamba nti KCCA yabategeeza bakitereeze era babadde baakikubako akatimba nga bwe bagenda mu maaso n'okukiyonja wabula kyabaweddeko ate bwe baakisenze kyonna.

Omu ku bakulembeze b'abalema, Ismail Mugumya yagambye nti, ettaka eryo lya Mugagga Umar Mandera owa City Oil gwe baategeeragana naye bagira bakolerawo nti ekiseera bwe kirituuka bakkiriziganye ku ngeri gy'agenda okwogera okubayamba.

"KCCA tetugigaana kutereeza kibuga naye teyeeyingiza mu nsonga za bwannannyini bwa ttaka. Lino ttaka lya Mandera era yatukkiriza okukolerawo." Mugumya bwe yagambye.

Yategeezezza nti, baakola dda ppulaani etereeza ekifo kyabwe nga bagendera ku kuwabulwa kwa Mandera kyokka KCCA kati ebataataaganyizza. Balaze nti babadde baagala kuteekawo ekifo ekisobola okukoleramu omuntu aliko obulemu nga talinnye kizimbe era ng'akagaali kamutuusa ku mulimu.

Eggulo baabadde bataddewo weema ng'etuddemu abakulembeze, okugaana omuntu yenna ne KCCA okukolerawo ekintu kyonna. Wabula Dan Nuwe Abiine agamba nti akatale k'abalema bakamanyi nti kasangibwa ku ppaaka ya ttakisi empya era kakyaliwo.



Mugumya

N'agamba nti KCCA ekyagenda mu maaso n'okutereeza ekibuga era bangi bagiwagidde. Aba ttakisi baagala ekifo ekyo bakibawe basimbewo ttakisi ezigobeddwa ku luguudo.

## Bateesezza ku ky'okusengula abalema



Peter Mutyaba: KCCA ky'ekola okutereeza ekibuga kirungi era ndowooza abantu tugiwagire. Abantu abo nabo ebayambeko beetereeze. Mbadde ntya omuliro ku ttakisi zaffe olw'abafumbirawo.



Haruna Sseruwagi: Twasaba dda KCCA tukulaakulanye wano naye ebintu byonna ye yabituulamu. Ku ppaaka empya ne wano byonna yagaana. Tebageza ne bakwata ku bwannannyini bw'ettaka era tukuumawo.



Haruna Ssegawa: Lino ettaka lyaffe twakkirizibwa Mandera era tumaze ebbanga nga tulikolerako n'okulikuuma. KCCA tegeza kweyingiza mu bwannannyini bwalyo.



Salim Zzizinga: KCCA byonna by'eyagala okukolera wano eteekwa kusooka kutubuuza kuba ffe bannannyini kifo kino ku lw'omugagga waffe Hajji Umar Mandera. Twagala kwekulaakulanyizaawo.